GERALD KIKULWE

# Ekisaakaate kyemizannyo kiri mu ggiya

Bya SAMUEL TEBUSEEKE




Lilian Nakayego (owookubiri ku kkono) owa UMC Victoria Hospital, Leornor Agasha, Mariam Nanfuka, Paul Nandidde, Dr. Chrispinos Oundo ne Laurian Lubuulwa owa Future Stars.

ENTEEKATEEKA y'okwaniriza abaana okuva mu bitundu by'eggwanga eby'enjawulo abeetabye mu kisaakaate ky'emizannyo e Gayaza mu Wakiso yatandise ku Ssande. Abalala baabadde bakyajja eggulo (Mmande) ate abalala basuubirwa okwegatta ku bannaabwe leero.

Buli mwana atuuka, asookera ku kufuna birabo n'ebikozesebwa ebyenjawulo omuli ssabbuuni n'ebirala, ebyaweereddwayo Chapa General Enterprises.

Okutendekebwa mu butongole kwatandise ggulo (Mmande), nga kwetabiddwako Brian Ssenyonga, akulira ekitongole ky'emizannyo mu disitulikiti y'e Wakiso. Ono yakubirizza abazadde okuleeta abaana, babangulwe mu bitone byabwe ebyenjawulo omuli; omupiira, okubaka, basketball, ttena, badminton, n'emirala.

Paul Nadide, akulira ebyemizannyo ku Gayaza High School ne Daniel Kasawuli, owa Gayaza Junior School, baategeezezza nti ebifo bikyaliwo, era ne bakubiriza abazadde okukwasizaako abaana mu kukulaakulanya ebitone. Ekisaakaate kitegekebwa aba Future Stars Sports Program nga kiwagiddwa Vision Group, Ekitongole ky'ebyemizannyo mu Wakiso, Prestige Margarine, UMC Victoria Hospital, Sumz ne MTN MoMo.



SAMUEL TEBUSEEKE

Abayizi nga batendekebwa okuwuga mu kisaakaate.